

P360/1
LUGANDA
PAPER 1
2¹/₂ hours

WAKISSHA

Uganda Advanced Certificate of Education.

LUGANDA

(Amateeka, Enkozesza y'Olulimi, Obuwangwa N'abawandiisi)

OLUPAPULA OLUSOOKA

PAPER 1

Essaawa bbiri n'ekitundu (2¹/₂ hrs)

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu; A, B, ne C*
- *Ekitundu A kyabuwaze.*
- *Mu kitundu B kola nnamba 2, 3, ne 4.*
- *Mu bitundu C, kolayo ekibuuozo kimu kyokka ng'okiggya ku nnamba 5, 6, oba 7.*

EKITUNDU A

Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu kino:

1. (a) Wandiika ekika ky'erinnya buli limu ku manny a gakuweeredwa mwe gagwa. (obubonero 3)
- (i) Akamoomie
 - (ii) Emputtu
 - (iii) Ente
- (b) Ssentensi ezikuweeredwa ddamu oziwandiike ng'olaga nti erinnya ekkozi ate likoze n'erinnya erikolebwako. (obubonero 5)
- (i) Kajja asala enviiri.
 - (ii) Kizza akoonye akagere.
 - (iii) Nalule asiba obuguwa bw'engatto.
 - (iv) Kato asiika empuuta.
 - (v) Kalule ayiye amazzi mu mutwe.
- (c) Sentensi ezikuweeredwa ddamu oziwandiike nga weeyambisa obuwakatirwa obulagiddwa mu bukomera era obusazeeko. (obubonero 5)
- (i) Yera oluggya (Akaddijjana).
 - (ii) Omuwala azina asanyuka (kanaaluzaala).
 - (iii) Omusajja yatema musajja munne. (Akakolaganyi).
 - (iv) Amasomero baaggaggala mwaka guwedde. (kyesirikidde)
 - (v) Omuddo muzibu okulima (akasoboka).
- (d) Tereeza sentensi zino mu Luanda olutuufu. (obubonero 3)
- (i) Tujja kwekuba.
 - (ii) Ye ne sitagenda nnnebuuka.
 - (iii) Kalekeezi n'embwa ye bigenze.
- (e) Maliriza ebibula mu mweso guno. (obubonero 4)

Olubu	Ennyingo y'erinnya ku kikolwa	Nakasigirwa endazi	Empeerezi esooka ku linnya
(i) _____	gu	guno	(ii) _____
12 ka	(iii) _____	(iv) _____	(v) _____
(vi) _____	Zi	(vii) _____	(Viii) _____

- (f) Ebisaziddwako bituum amannya gaabyo aga ggulaama. (obubonero 5)
- (i) Oli musajja ki?
 - (ii) Ono omuwala wange.
 - (iii) Munaabatulabira
 - (iv) Nga kitalo nnyo!
 - (v) Omwana yeebase.
- (g) Laga enjawulo zamirundi etaano wakati wa 1: mu ne 3 : mu. (obubonero 5)

EKITUNDU B

Kola nnamba 2(a) oba 2(b)

2. (a) (i) Nnyonnyola ebibonerezo ebya teekebwa nga ku mizizo b'omukazi ali olubuto. (obubonero 10)
(ii) Magezi ki agaabanga mu bibererezo ebyo? (obubonero 10)
- (b) Laga obukulu bw'ebisolo ebyomuttale (ebitalundwa waka eri omuganda). (obubonero 20)

Kola nnamba 3(a) ne 3(b)

3. (a) Londa ebisoko bitaano (5) ku bino wammanga onnyonnole amakulu gaabo (obubonero 10)
(i) Omwana okujoboja
(ii) Okubuuza Ssalongo endeku.
(iii) Omuntu okubeera ow'ekifiirizi.
(iv) Okubeera mu kyabalongo.
(v) Okwekyusa obugege.
(vi) Okutta eddy.
(vii) Okusindika olulatta.
- (b) Londa ebisoko bisatu (3) ku bino wammanga obikozese mu sentensi ezigayao obulugi amakulu gaabyo. (obubonero 6)
(i) Okukuba akatabo.
(ii) Okukozesebwa obukuyege.
(iii) Okufuna sikaala e Buddo.
(iv) e magombe okusimbayo ekitooke.
(v) Okusuula omuntu omukono.

Kola nnamba 4(a) ne 4(b)

4. (a) Londa engero ssatu(3) ku zino wammanga ozimalilize nga bwezoogerebwa. (obubonero 6)
(i) Akutwala ekiro.....
(ii) Abangi bwe bakwebaza.....
(iii) Akajja obunaku keemanya.....
(iv) Amala ebita embuga.
(v) akugobya nkaaga.
- (b) Londa engero nnya (4) ku zino wammanga onnyonnyole amakulu gaazo agoomunda. (obubonero 8)
(i) Atazze mbwaye kumpi ti eyange eyingga n'ekiro.
(ii) Obukulu buwoomya ttooke.
(iii) Amaanyi tegawala luga.
(iv) Ennyonnyi eteyise ekolerera makaayi.
(v) Eyeewa ez'omumba gwe bazikuba
(vi) Omukka omungi guyuza akawago.

Bikkula

EKITUNDU C

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka mu kitundu kino.

Kola 5(a) oba 5(b), 6(a) oba 6(b), 7(a) oba 7(b).

5 (a)

5. (a) Nyonnyola ng'olaga engeri Ddamba Andrew Kibuuka gy'ajjumbiddemu obuweereza obwenjawulo obw'ensi ye. (obubonero 20)

oba

- (b) Abaganda abataafuna mukisa kufuma ku byoto nga bakyali bato baganyulwa batya mu kusoma ekitabo 'Awo olwatuuka'? (obubonero 20)

6 (a)

6. (a) Laga ebigendererwa bya Masagazi by'alina eri omuganda wa leero mu kuwandiika 'Mpaawo kitakya'. (obubonero 20)

oba

- (b) Omuganda omulungi ye oyo aweerezza Kabaka we obuteebalirira. Nyonnyola engeri Masagazi gy'aweerezza Kabaka we. (obubonero 20)

7 (a)

7. (a) Engeri Kalinda gy'ayagalamu eggwanga lye eyambye etya omuvubuka wa leero? (obubonero 20)

oba

- (b) Buli muwadiisi abaako ebyamusobozesa okuwandiika ebiwandiiko amakula. Olowooza Kalinda biki ebyamuyamba okutuuka ku kkula eryo? (obubonero 20)

BIKOMYE WANO.